EBITEESO EBIYISIDDWA OLUKIIKO TTABAMIRUKA 2010, MU HILTON HOTEL, EAST BRUNSWICK, NEW JERSSEY 3RD SEPTEMBER – 5TH SEPTEMBER 2010

Ffe Obuganda obutudde mu lukiiko lwa Ttabamiruka 2010, tuteeseza era netukubaganya ebirowoozo ku nsonga ennyingi eziruma n'okunnyigiriza Buganda era netuyisa ebiteeso bino:

1. Tweyamye okwongera bulijjo obuwulize bwaffe eri Ssaabasajja Kabaka awamu n'okukuuma Nnamulondo.

2. Tweyanziza nnyo nnyini ddala obubaka bwa Ssaabasajja Kabaka obwaguddewo Olukiiko Ttabamiruka 2010, obujjudde ebigambo ebyamagezi, eby'obuvumu, ebyobukulembeze.

3. Tweyama okukola kyonna ekisoboka okununula n'okuggya Buganda mu mbeera ey'okunyigirizibwa gyerimu okuyita mu kubo eririmu okugumira ebizibu, okukozesa amagezi n'okuba abazira.

4. Tweyamye era tukkakasa Ssaabasajja Kabaka nti tujja kukola n'obumalirivu nga twekunga ng'Obuganda okuzaawo Amasiro ga Bassekabaka mu nteekateeka etereddwawo Obwakabaka.

5. Tuvvumiriridde nessekuvvumirira yenna ebikolwa by'abasirikale ba gavumenti ya Uganda, olw'okutta n'okulumya abantu abalala bangi abatalina musango mu Masiro e Kasubi.

6. Tuvvumiridde ekikolwa kya gavumenti ya Uganda okutyoboola n'okulinyirira eby'obuwangwa bwa Buganda naddala olw'ebikolwa byonna ebyaliwo ng'amasiro gayidde.

7. Tuwagira enteekateeka za Muteesa I Royal University era tutaddewo Akakiiko ak'enjawulo okukola ku nsonga z'okuzimba ebisulo bya Muteesa I Royal University.

8. Tweyamye okuwagira emirimu gya Ssaabasajja Kabaka mu nsimbi abakungu bakole nga tebajulira.

9. Tweyama okuwagira emirimu gya gavumenti ya Ssaabasajja Kabaka gyetuwulidde okuva mu bakungu abatuwerezeddwa abakulembeddwa Omumyuka wa Katikkiro Asooka. Emirimu egyo gituwadde amaanyi naddala egya Muteesa I Royal University ne Buganda Land Board.

10. Tusaba Katikkiro ategeke ensoloza y'omusolo ogw'ekyeyagalire, ng'entegeka eyo ekolera mu musana ogutaliko kamogo. (Transparent, Accountable and Cashless). Omuganda munsi yonna asobole okuwa omusolo guno ngafunirawo obukakafu nti ensimbi zituuse mu Gwanika Lya Buganda.

SULLYIMAN BUNKEDDEKO
PRESIDENT, GGWANGAMUJJE NY/NJ

EDWARD SEMAMBYA
SSENETEBE, TTABAMIRUKA '10

Dated ..... 9/5/2010 .....